OKWOGEERA KWA KATIKKIRO AMB. EMMANUEL L SSENDAULA MU LUKUŋŋAANA TTABAMIRUKA 07 E NEWJERSEY MU AMERICA NGA 1ST SEPTEMBER, 2007

Ssaabasajja Kabaka
Nnalinya Sauda Kakungulu
Abalangira n'Abambejja
Baminisita ba Ssaabasajja
Omukubiriza w'Olukiiko lwa bataka abakulu ab'obusolya
Ssentebe w'Ababaka ba Parliament abava mu Buganda
Ababaka Paliament ya Uganda
n'ababaka b'Olukiko lwa Buganda
Abakungu ba Ssaabasajja mu America
Ssentebe n'Akakiiko akateeseteese Ttabamiruka
Obuganda obuvudde okumpi n'ewala
Bannyabo ne Basebo

Njagala okusooka okwebaza ennyaniriza ennungi gye mwanirizzaamu Ssaabasajja Kabaka, naffe ffenna abamuwerekedeko.

Era neebaza nammwe mwena abasobodde okwetaba mu Ttabamiruka ono ne mwerekereza byonna. Neebaza n'abo bonna abali naffe mu mwoyo naye olw'obuzibu obutebereka nga balemereddwa okutwegatako. Mwebale nnyo kubeera na mutima ogulumirirwa eggwanga lyammwe Buganda.

Kintu kikulu Obuganda okutuulako awamu nebuteesa n'okukubaganya ebirowoozo ku nsonga ezitali zimu eziruma Obuganda. Abaganda twava dda nga tuli bateesa era n'ekizimbe ekiteserezebwamu n'okusalawo ku nsonga za Buganda enkulu, kyatumibwa **"Bulange".** Obulange; bubeera bussubi obutuliddwako okumala ekiseera nebweranga. Edda Abaganda batuula nga ku ssubi, bwekityo bwebatuula ku bussubi obwo, bwewayitangawo ekiseera nga bweranga, kuno kwekwava okutuma ekizimbe ekiteserezebwamu BULANGE.

"Buganda Nnyaffe; ey'edda, eyaleero n'eyenkya" gwe mubala gwa Ttabamiruka ono. Omubala guno, gutuwa okwefumiitiriza ku ggwanga lyaffe, bwe lyali, bwe liri ne bwe twagala libere mu biseera ebijja.

1. BUGANDA EY'EDDA

1.1. Buganda okuva edda nedda lyali Ggwanga eryetongodde eryalina ensengeka y'obukulembeze obuyita mu mitendera egy'enjawulo okutuuka ku muntu wabulijjo, kyokka nga Kabaka gwe mutwe gw'obukulembeze obwo mu kubuluŋŋamya, (Administration), mu byobufuzi (Political Head) ate era ne mu byobuwangwa (Cultural Head).

1.1.1. Olw'Obuwangwa n'ennono za Buganda ez'obungunjufu byaleetera Buganda okukulaakulana mu by'obukulembeze, ebyenfuna n'ebyobuwangwa. Era okuva mu ebyo; Buganda yasukkuluma mu bintu bingi n'okutuuka okubeera ekyokulabirako n'okuyigirako naddala mu bukulembeze n'okuteekerateekera eggwanga mu by'enfuna n'obulamu bw'abantu mu mbeera zaabwe ezabulijjo, naddala okubeera abantu abakozi ennyo.

Mukama wange Ssaabasajja,

1.1.2. Mu ngeri y'emu okuyita mu mpisa zaffe ez'obuwangwa, Buganda yanyweza nnyo obumu mu bika okuviira ddala ku nnyumba, mu mpya, ennyiriri, emituba, amasiga, obusolya okutuuka ku Ssaabasajja Kabaka ekifundikwa ky'Obuganda bwonna mwe bwegattira.

1.1.3. Olw'obumu okwegatta n'entegeka y'ebika, Buganda yakulaakulana. Ebika byagaziwa okuva ku bika ebitaano (5) omuli Effumbe, Enjaza, Ennyonyi, Olugavve n'Enŋonge ebimanyiddwa nga binnansangwa okutuuka ku bika 50 nga bwe tubimanyi kati. Ensalo za Buganda nazo zaagaziwa, okuva ku Masaza 5 omuli Busiro, Kyaddondo, Busujju, Mawokota ne Bulemezi okutuuka ku 18 agaliwo kati.

2. OBUKULEMBEZE MU BUGANDA

2.1. Mu Buganda, Kabaka gwe mutwe, era omukulembeze ow'okuntikko, kyokka ng'obuyinza bwe abugabanyizaako Abaami be okuyita mu mitendera egy'enjawulo nga buyitira mu Katikkiro gwakwasa obuyinza okumufugirako Obuganda, ng'amukwasa "**DDAMULA"**.

2.2. Katikkiro bw'afuna Ddamula abeera afunye obuyinza n'obuvunaanyizibwa okukulembera Obuganda ku lwa Kabaka mu by'obukulembeze, eby'obufuzi, eby'obuwangwa n'eby'enkulaakulana era y'abeera omutwe gwa Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka. Katikkiro ng'ayita mu Lukiiko lwa Buganda ateeseza Obuganda era nga n'ebisalibwawo mu Lukiiko lwa Buganda luno Olukulu biteekebwa mu nkola okuyita mu kakiiko akafuzi n'abaami abali ku mitendera egy'enjawulo omuli: Abamasaza, Abamagombolola, Ab'Emiruka n'abaami abatongole ku buli kyalo mu Buganda.

Enteekateeka eno yayamba nnyo Buganda okubeera n'olujegere olunywevu n'omukutu ogutwala ebiva mu gavumenti ya Beene eby'okwekulaakulanya okutuuka mu bantu awamu n'okuva mu bantu ba bulijjo ne bigoba omukutu gwe gumu ne bijja eri gavumenti waggulu n'ewa Kabaka yennyini.

2.3. Olujegere lw'obukulembeze obusengekeddwa bwe butyo obulungi lwayamba abakulembeze okubeera abeesimbu mu kutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe eri abantu ba Buganda, era kino ne kiyamba omuntu wabulijjo okwenyigira mu bikolebwa n'okwenyumirizanga mu Ggwanga lye mu ngeri zonna n'okufuna omwoyo ogulumirirwa eggwanga lye Buganda (Mwoyo gwa Ggwanga).

3. ENKYUKAKYUKA EZ'OMUGGUNDU BUGANDA ZEEYISEEMU.

3.1. Okujja kw'abafuzi b'amatwale.

3.1.1. Abafuzi bamwatwale bwe baatuuka mu Buganda,

baalina ebigendererwa bingi era Buganda yalina okusoomozebwa kwa maanyi kyokka omulabe yali ava bweru wa Buganda (Omuzungu) era muno mwe mwava endagaano ya 1894, Buganda yasigala ng'eggwanga eryetongodde nga likolagana ne Gavumenti ya Nnaabakyala wa Bungereza butereevu.

3.1.2. Mu ndagaano ya 1900 wateekebwawo enkolagana wakati wa Buganda ne Bungereza. Mu ndagaano yeemu mwalimu n'ensonga z'ettaka mu Buganda. Endagaano eno yaleetawo enkyukakyuka ez'omuggundu mu Bwakabaka bwa Buganda era ne wabeerawo n'okusoomozebwa okwamaanyi.

Maggulu Nnyondo,

6.1.3 Mu 1926, Buganda yeegatta ku bitundu by'amawanga amalala okutondawo Uganda. Kino nakyo kyaliko enkyukakyuka ez'amaanyi eri eggwanga lya Buganda mu mbeera zonna ez'obuntu.

3.2. <u>Endagaano ya 1955</u>

3.2.1. Wajjawo enkyukakyuka ez'omuggundu mu bukulembeze bwa Buganda, oluvannyuma lw'endagaano ya 1955 eyagya Kabaka mu kwetaba mu byobufuzi obutereevu era n'ekyusa mu nkubiriza y'Olukiiko lwa Buganda Olukulu.

3.3. <u>Okufuna Obwetwaze, 1962</u>

3.3.1. Nga bwekimannyiddwa, wajjawo enkyukakyuka ez'amaanyi ennyo mu byobufuzi n'obukulembeze bwa Buganda mu kiseera eky'okwetegekera obwetwaze bwa Uganda (Independence). Enkyukakyuka zino zaavamu ne Ssemateeka wa 1962 eyateeka Buganda ng'ekitundu kya Uganda eky'emalirira (Federal State).

3.4. <u>Okusaanyizibwawo kw'Obwakabaka</u>

Ssaabasajja,

3.4.1. Mu 1966, Buganda yafuna ebiseera eby'akazigizigi ekyatuusa n'okusaanyizibwawo okw'Obwakabaka bwa Buganda awamu n'obutabanguko obwavaamu okulumba Olubiri lwe Mmengo kko n'okuwaŋŋangusibwa kwa Ssekabaka Muteesa II n'okuyiwa omusaayi.

3.4.2. Kazigizigi ono yaleka Buganda mu matongo, n'enkulaakulana wamu n'obugunjufu obwali butukiddwako byonna ne bidobonkanyizibwa omwali omutindo gwe by'enjigiriza, obukulembeze, n'ebirala.

3.4.3. Obutabanguko buno tebwakosa Buganda yokka wabula, essasi eryasooka okukubibwa ku Wankaaki w'Olubiri, lyaleeta entalo nnyingi nnyo mu Uganda yonna. Era okuva ku olwo Uganda ebadde tennafuna mirembe egyannamaddala n'okutuusa kati amambuka ga Uganda gakyalimu obutabanguko.

3.4.4. Okutaagulwataagulwa Uganda kw'ezze eyitamu olw'entalo, kwakyusa n'endowooza za bantu ba Uganda okutwalira awamu, ng'abantu tebakyalumirirwa Ggwanga lyabwe wabula okunoonya okugiryamu n'okuginyunyunta olw'okugasa obulamu bwabwe bokka n'okwegaggawaza bokka na bokka.

3.5. <u>Okuzzibwawo kw'Obwakabaka.</u>

3.5.1. Mu 1993, Kabaka wa Buganda yazzibwawo oluvannyuma lw'okukyusa mu Ssemateeka wa 1967, kyokka Obwakabaka nga bwetubutegeera tebwazzibwawo. Kino kyateeka Buganda mu kusoomozebwa okw'okuzzaawo Obwakabaka bwa Buganda, enfuga eya Federo, okukomyawo ettaka erikyali mu buwambe n'ebintu bya Buganda ebirala ebyanyagibwa ku mudumu gw'emmundu

3.5.2. Mu Ssemateeka wa 1995, mu ssuula eye 16 ennyingo eya 246, Obukulembeze obw'Ennono bwateekebwamu kyokka ne buweebwa obuvunaanyizibwa bwa byabuwangwa na nkulaakulana, ate nga tumanyi bulungi nti,

Obwakabaka n'ebyobuwangwa tebiteŋŋana singa obeera oluubirira enkulaakulana eyannamaddala.

4.0 **OMULEMBE OMUTEBI (BUGANDA EYALEERO)**

4.2 Kaweefube w'okuzzaawo Obuganda

4.2.1 Oluvannyuma lw'olutalo lw'okwenunula mu 1986, Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yakomawo okwaboobwe okuva mu buwanganguse era waaliwo kaweefube w'Abaganda abatali bamu, omwali Abataka abakulu ab'Obusolya, ebibiina (Pressure groups) nga "*Baganda Tuli mu kulya*" , *"Abazzukulu ba Buganda"*, n'abantu ba Mwoyo gwa ggwanga ba ssekinnoomu abeekunga ne beekolamu omulimu okutema empenda z'okuzzaawo Obuganda. Mu kaweefube ono mwe mwava okuteekawo Olukiiko ***"SSAABATAKA'S SUPREME COUNCIL"*** olwalondebwa okuva mu bataka abakulu ab'obusolya, abazzukulu ba Buganda, abantu abalina obukugu obw'enjawulo n'abantu abalala ng'abakyala , n'abakugu abenjawulo, n'abantu babulijjo.

Lukoma Nantawetwa,

4.2.1.1 Olukiiko luno olwa Ssaabataka's Supreme Council ye yali entandikwa y'okuzzaawo Olukiiko lwa Buganda olukulu ne Gavumenti ya Ssaabasajja. Okutwalira awamu okuyita mu lwo waatandikibwawo enteeseganya ne gavumenti eyawakati era bino wammanga ne bituukibwako:

(i) Okukyusa mu Ssemateeka wa Uganda n'okuzzaawo obufuzi obw'ensikirano mu tteeka erya "*Restitution of Tradional Rulers Act of 1993"*

(ii) Okukomyawo ebimu ku bintu bya Buganda ebyanyagibwa ebimanyiddwa nga **"EBYAFFE",** ebimu ku byo bye bino:

(a) Mailo za Kabaka 350
(b) Olubiri lw'eMmengo
(c) Bulange
(d) Amasiro gonna
(e) Butikkiro

(f) Ettaka okwali ennyumba za ba Minisita esatu okuliraana Olubiri e Mmengo.
(g) Ekifo ky'eKakeeka
(h) Ettaka ly'Obwannamasole.
(i) Ettaka ly'Obwannalinya
(j) Ennyumba z'Omulamuzi n'Omuwanika
(k) Basiima House
(l) Ennyanja ya Kabaka
(m) Ekizimbe kya Kkooti ya Buganda eye Mmengo n'ebirala.

(iii) Okuwaayo ebirowoozo bya Buganda mu Kakiiko k'Odoki (1991 – 93) akaali kakuŋŋaanya ebirowoozo bya Ssemateeka wa Uganda omuggya, wamu n'akakiiko ka Ssempebwa (2001) akaakuŋŋanya ebirowoozo okukyusa mu Ssemateeka wa 1995. Ebimu ku birowoozo ebyaweebwayo abantu ba Buganda mwe mwali:

(a) Okuzzaawo enfuga ya Federo n'ebigenderako byonna nga:-

(a.i) Engabanya y'ensimbi wakati wa gavumenti ne gavumenti ez'ebitundu.

(a.ii) Kabaka okubeera omutwe gwa gavumenti ya Buganda.
(a.iii) Engabanya y'emirimu n'ebigenderako byonna ebirala.
(a.iv) Ettaka lya Buganda lyonna eryanyagibwa okuzzibwa mu mikono gya gavumenti ya Buganda
(a.v) Ekibuga Kampala okubeera kiri mu Buganda newankubadde nga kisigala ng'ekibuga ekikkulu ekya Uganda

(a.vi) ne Buganda okusigala ng'eri wamu kitole era ng'ensalo zaayo zona zirambikiddwa bulungi mu Ssemateeka wa Uganda.

4.3 Ebituukiddwako bukya Bwakabaka buzzibwawo:

4.3.1 Okukunga Obuganda

Mukaama wange Ssaabasajja,

Ogumu ku mulimu omunene ogwasookerwako ku mulembe Omutebi kwali okukunga Obuganda, ng'ekigendererwa ekikulu kwe kuzza amaaso g'abantu ba Kabaka ku mugendo gw'enkulaakulana nga tuyita mu Bwakabaka. Abantu bangi baali babuzaabuziddwa bannabyabufuzi nga beetaaga okukomyawo. Era omulimu guno guzze gukolebwa okuyita mu bintu ebyenjawulo omuli:

(a) Okuzaawo gavumenti ya Ssaabasajja n'Olukiiko lwa Buganda Olukulu

(b) Okubeera nti gavumenti ya Ssaabasajja kabaka okubeera nti eddukanya emirimu gy'Obwakabaka mu Mbuga enkulu Bulange e Mmengo

(c) Okugogola ennyanja ya Kabaka mu December wa 1992.

(d) Emipiira gy'ebika by'Abaganda, nagyo lujegere lugumu olutuukwatiridde mu kukunga n'okugatta Obuganda.

(e) Emipiira gy'Amasaza nagyo giyamba nnyo okugatta abantu ba Buganda bonna okwenyigira mu bintu ebigatta abantu abatali ba ngeri zimu n'okulaga nti Buganda etudde ntende ne bannaffe abatali Baganda banansangwa.

(f) Abavubuka okuyita mu bibiina bya Nkoba za Mboga nabyo binyweeza Buganda eyenkya.

4.3.2 Amatikkira ga Kabaka

Amatikkirwa ga Ssaabasajja nga 31 July 1993 e Nnagalabi Buddo kyazzaawo Nnamulondo ya Buganda n'ettutumu lya Buganda. Enteekateeka z'emikolo gy'Amatikkira gy'ennyigirwamu abantu ab'engeri zonna nekinyweza obumu bwa Baganda n'okwoleka obwagazi bwabwe eri eggwanga lyabwe ne Kabaka waabwe. Obwagazi

bw'Abaganda obwalagibwa, kibadde kyakulwanyisa kyamaanyi okunyweza Nnamulondo.

4.3.3 Ekitongole kya Buganda Land Board

Mukaama wange,

Oluvannyuma lw'enteeseganya wakati w'akakiiko k'Ebyaffe (EBYAFFE COMMITTEE), gavumenti lwe yatuddiza ebimu ku bintu bya Buganda. Ssaabasajja yatondawo akakiiko okukola ku nsonga z'ebyettaka (Buganda Land Board) mu 1994, okusobola okulondoola n'okukuuma ettaka lya mailo 350 eryaddizibwa Kabaka n'ebizimbe by'Obwakabaka bwa Buganda ebyakakomezebwawo.

Akakiiko kano kakoze omulimu munene era nga kasobodde okukuŋŋaanya ebyapa by'ettaka eriweza Mailo ezisukka mu 330 ku ezo ebi 350 eryakomezebwawo gavumenti eyawakati.

Mu kiseera kyekimu nga kakola ne kukupangisa ettaka (lease) lisobole okufunwamu ejjamba okuddukanya gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka n'okuyimirizaawo emirimu emirala egy'okwekulaakulanya mu Bwakabaka.

4.3.4 Buganda Cultural and Development Foundation (BUCADEF)

Ekitongole kino kyateekebwawo mu 1995 nekigendererwa eky'okuyamba abantu ba Buganda, nga ly'ekkubo Ssaabasajja mwayita okutumbula embeera z'abantu mu bulamu bwabwe obw'abulijjo. Ekitongole kino kya bwannakyewa (NGO) era kifuna obuyambi okuva mu bitongole ebigaba obuyambi n'abantu abalala bonna abalina omutima ogulumirirwa okuyamba abantu mu kutumbula omutindo gw'obulamu bwabwe.

Nga tuyita mu kitongole kino, wabaddewo enkulaakulana mu bantu baffe naddala mu mirimu gye bakola n'okuyingiza akasente mu nsawo zaabwe.

4.2.4.1 Mu September wa 2005, Ssaabasajja Kabaka yatongoza enkola empya eya BUCADEF eyitibwa **TWEKEMBE** egenderera nayo okutumbula embeera z'obulamu bw'abantu eya bulijjo (sustainable village Development Programme). Okuyita mu nteekateeka eno Ssaabasajja wamu ne gavumenti ye afuba okulaba nti asitula omutindo gw'amaka g'Omuganda okutuuka ku ddaala ery'egombesa buli muntu omuli:

(i) Ennyumba ezizimbiddwa obulungi n'ebigenderako byonna omuli effumbiro, kaabuyonjo, obutandaalo, oluggya oluyonjo n'ebirala.

(ii) Enteekateeka ya "**nsindiika njake"** mwe tugabira abantu ente, embuzi, enkoko n'ebirime eby'embala. Ebintu bigabirwa abantu ba Ssaabasajja okuyita mu kuvuganya.

(iii) Emmere emala okuliibwa awaka n'ebirime ebirala eby'ettunzi ebivaamu ensimbi okwetuusaako ebyetaago ebirala.

(iv) Buli maka okubeerako kye gakola okuyingiza ensimbi okwegobako obwavu obuyitiridde.

Ekitongole kituukiriza bulungi obuvunaanyizibwa bwakyo era olw'obwesimbu bwakyo kisobodde okufuna obuyambi okuva mu USAID, UPHOLD, nebitongole ebirala ebimanyiddwa mu nsi yonna. Wakyaliwo essuubi erinaavaamu obuyambi obulala okwongera okutereeza emirimu gya BUCADEF. Era ne banaffe aba Ggwanga Mujje – Newyork/Newjersey, batuuwa obuyambi nga buyita mu kitongole kino bwe twebaza ennyo.

4.3.4.1 Buganda Investment and Commercial Undertakings Ltd. (BICUL)

Mu 1995, gavumenti ya Ssaabasajja yatandikawo Kampuni eno n'ekigendererwa ky'okusobozesa Obwakabaka okufuna ensimbi ezitambuza emirimu egy'enjawulo naddala okubuyimirizaawo. Kkampuni eno era yateekebwawo okufuga ebitongole ebirala (Holding Company) ebirina ebigendererwa eby'obusuubuzi (Investment & Commercial Undertakings) nga Central Broadcasting Services (CBS), Central Technical Services Ltd (CTS), Royal Tours and Travels, Central Processing Services Ltd, nebirala.

Wabula Radio ya CBS yo esobodde okusoolooba ennyo ku bitongole ebirala mu kukola obulungi kubanga esobodde okuyingiza mu Ggwanika lya Buganda ensimbi ezikunuukiriza mu bukadde 130 (130 millions) buli mwaka. Enteekatteeka zikolebwa gavumenti ya Ssaabasajja, okulaba nti n'ebitongole biri ebitanasobola kutukana n'omutindo CBS gweriko, okulaba nti nabyo biyambibwako okusobola okukola (effectively) emirimu nga bwetwagala bikole.

4.3.5 Buganda Investment Policy (BIP)

Akakiiko Akafuzi ak'Obwakabaka bwa Buganda kali mu nteekateeka y'okuteekawo enkola eneerambika n'okuluŋŋamya mu kuteekawo eby'obugagga obw'ensibo (Investment Policy) kyokka twetaaga ebirowoozo bya buli muntu ku nsonga eno era twandyagadde ebirowoozo byonna biweerezebwe nga 30th November, 2007 terunayita.

4.3.6 Okukulakulannya Olubiri lwe Mmengo n'ennyanja

Ssaabasajja yasiima n'ateekawo akakiiko okwekenenya engeri Olubiri n'ennyanja ya Kabaka gyebisobola okukulaakulanyizibwamu n'okuyamba Obwakabaka bwa Buganda ne Nnamulondo. Gavumenti ya Ssaabasajja

eyagala nnyo okuleeta enkulaakulana kyokka nga tezikosa byabuwangwa. Akakiiko kali mu kukuŋŋaanya birowoozo okuva mu bantu ba Buganda bonna abali eka namwe abali ebweru wa Uganda. Bwentyo mbasaba namwe muweyo ebirowoozo byammwe ku nsonga eno, eri akakiiko oba Ofiisi ya Katikkiro. Ebirowoozo bwe binaafunibwa bijja kutwalibwa mu Lukiiko lusalewo ku nsonga eno n'oluvvanyuma muveemu ekinayamba okugasa Obwakabaka ne Nnamulondo.

Ssaabasajja, nnina esanyu okutegeeza Obuganda nti omulimu gw'okudabiriza Twekobe gwazzemu okutambula era tusuubira nti Olukiiko lwa CHOGAM we lunaatuukira nga Twekobe ewedde okudabirizibwa.

4.3.7 Bulange Plaza

Gavumenti ya Ssaabasajja ekoze enteekateeka okulaba nti ekizimbe ekitanaggwa ekirirannye Bulange, ekimanyiddwa nga Bulange Plaza, kimalirizibwa era tusuubira nti omulimu gujja kutandika mu mwaka gw'embalirira guno.

4.3.8 **Okukuuma Obutonde Bwensi**

4.3.8.1 Buganda yatandika kaweefube w'okukuuma obutonde bw'ensi ng'eyita mu kukubiriza abantu ba Buganda okusimba emiti era Ssaabasajja yasiima n'ateekawo n'olunaku lw'okusimbirako emiti mu Buganda olwa May 29, buli mwaka.

4.3.8.2 Ssaabasajja Kabaka yakulembeera Obuganda mu mwaka gwa 1992 okugogola ennyanja ya Kabaka n'omulamwa ogw'okukuuma obutonde bw'ensi.

4.3.8.3 Mu mwaka guno 2007, gavumenti eyawakati bwe yavaayo n'ekirowoozo ky'okugabula Mabira e Kyaggwe ku simbweko ebikajjo, Ssaabasajja yavaayo bukukuubira okutaasa Mabira, olw'okutaasa obutonde bw'ensi bwe yasiima nawaayo ettaka ery'enkanakana n'eryo mu Mabira eryali ligabirwa eri kampuni ya SCOUL (Sugar Co-orparation of Uganda Ltd) eye Lugazi.

4.3.8.4 Ebitongole by'Obwakabaka ebitali bimu omuli eky'abavubuka n'ekyebyenjigiriza bitandise enteekateeka ezitali zimu ez'okukuuma obutonde bwe nsi nga bisimba emiti.

4.3.9 Ebyensimbi

4.3.9.1 Ennyingiza y'ensimbi mu gavumenti ya Ssaabasaja ekyali nfunda nnyo ddala bw'ogeraageranya n'ebyetaago by'okutambuza Obwakabaka. Emirimu egisinga giddukanyizibwa ku musingi gw'obwannakyewa. Wabula n'akatono ako akayingira kalabirirwa bulungi ddala. Era buli mwaka okuva Kabaka bweyadizibwawo, Omuwanika aze ayanjula Emabalirira era ennyingiza n'ensaasaanya y'ensimbi z'Obwakabaka. Kino kinywezebwa emitendera egyateekebwawo okukuuma ensimbi ezo eziyingira omuli:

4.3.9.1.1 Obukiiko bw'olukiiko (Lukiiko Sectoral Committees) obwateekebwawo omuli:

4.3.9.1.1.1 Akalingiriza enyingiza n'ensasanya mu gavumenti ya Ssaabasajja (Public Accounts Committee) n'obulala.

4.3.9.1.2 Emitendera egyeyambisibwa mu nsi yonna egikuuma eb'ensimbi nga: Internal Audit, External Auditors era government ya Ssaabasajja yamala dda okuteekawo ekifo kya Buganda Auditor General.

4.3.9.1.3 Ssaabasajja yateekawo akakiiko k'Eby'ensimbi akatunuulira ennyingiza n'ensaasaanya eyabuli ssabbiti.

4.3.9.1.4 Mu Febaury wa 2002 Ssaabasajja yateekawo akakiiko akamanyiddwa nga **Ntate Committee** okutunulira ennyingiza, enzirukanya y'emirimu, n'ensasanya y'ensimbi z'Obwakabaka. Akakiiko kakola alipoota yaako era Ssaabasajja yalagira alipoota eyo eteseebweko Olukiiko lwa Buganda. Mu kiseera kino ekyateseebwako mu kakiiko akafuzi n'oluvanyuma eteseebweko OLukiiko. Mu lipoota muno mulimu amakubo agasembebwa okwongera okukuuma ensimbi z'Obwakabaka awamu n'okw'ongera okugaziya ennyingiza yaazo mu Ggwanika.

4.3.10 Ebyenjigiriza

4.3.10.1 Obwakabaka bwa Buganda bukoze kyonna ekisoboka okulaba nti abaana ba Buganda basoma. Era

Ssaabasajja Kabaka yasiima n'ateekawo ensawo ya **Kabaka's Education Fund** mu 1995, mw'ayita okuyamba abaana abatalina busobozi kwesasulira bisale by'amasomero era nga yaakayamba abaana abasukka mu 40,000.

4.3.10.2 Gavumenti ya Ssaabasajja mu buzibu obutali bwa ngeri zimu, esobodde okuteekawo amasomero okuviira ddala ku ga Primary okutuuka ku matendekero agawaggulu omuli:

4.3.10.2.1 Lubiri Nnabagerka Primary School

4.3.10.2.2 Lubiri High School

4.3.10.2.3 Bbowa Vacational and Senior Secondary School

4.3.10.2.4 Buganda Royal Institute of Business and Technical Education ne,

4.3.10.2.5 Ssetendekero **Muteesa I Royal University** agenda okuggulibwawo nga 01 October omwaka guno. Tujja kutandika n'amatabi abbiri: e Masaka awaalinga Uganda Techinical College; wano essira lijja kubeera ku by'amasomo ga tekinologiya, ate ettabi eddala lijja kubeera e Kakeeka Mmengo; nga eno we wajja okubeera amasomo agakwata ku by'enjigiriza n'obusuubuzi. Amatabi gombi galina okubeera n'amaterekero g'ebitabo amakuukuutivu. Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka yasaba abantu bonna abaagaliza Ssetendekero eno ebirungi okugidduukirira mu nsonga y'ebitabo, era ewagiddwa nnyo abantu bangi mu Uganda n'ebweru wayo. Wabula obwetavu bw'ebitabo n'ensimbi ez'etagibwa mu nteekateeka zonna okutandika.

4.3.10.2.6 Ekitongole ky'ebyenjigiriza kiri mu kaweefube w'okutandikawo amasomero amalala n'okwagazisa abantu okuzimba amasomero mu Buganda.

5.0 **EBY'OKWEKULAKULANYA**

Tuli mu nteekateeka y'okulaba ng'ebitongole by'Obwakabaka byonna ebikwatibwako ensonga eno nga Buganda Investments and Commercial undertakings (Ltd)

(BICUL), Buganda Development Agency (BDA), BUCADEF, n'ebirala bitumbulwa n'okuluŋŋamya enzirukanya yaabyo.

5.1 Eby'empuliziganya

5.1.1 Central Broadcasting Services (CBS)

Eno ye Kampuni ya Radio yaffe, Radio Buganda CBS eyateekebwawo era n'egenda ku mpewo mu June 1996. Obwakabakaba, okuyita mu Kampuni ya BICUL bulinamu emigabo 51%, ekibuwa enkizo mu byamateeka okubeera nti Radio eno ya Buganda.

Radio eno eyambye nnyo okubeera nti lye ddoboozi ly'Obwakabaka ettongole era ly'eddoboozi ly'abantu bonna ab'endowooza z'ebyobufuzi ez'enjawulo kwe bakubaganyiza ebirowoozo mu mirembe, ate mu bukkakkamu. Kino abantu abalina endowooza ez'enjawulo basobola okutuula awaamu ne bakubagannya ebirowoozo ku nsi yaabwe.

Mu ngeri y'emu radio yaffe eno ekoze olutindo lw'okutuusa ebirowoozo by'omuntu wa bulijjo eri gavumenti eyawakati butereevu, n'eri Omukulembeze w'Eggwanga, kubanga emirundi mingi ddala President w'eggwanga yeeyambisa Radio yaffe, CBS okuwuliziganya butereevu n'omuntu wa bulijjo.

Radio yaffe eno ewulirwa mu nsi yonna ku www.radiocbsfm.com era gyekoma okutambula obulungi n'eggwanika lya Buganda gye likoma okuganyulwa.

5.1.2 Olutimbe lw'empuliziganya (website)

Wabaddewo eddibu ddene mu by'empuliziganya ey'omulembe naddala wakati w'abantu ba Ssaabasajja ababeera mu mawanga ag'ebweru ne gavumenti y'eMmengo ng'Obuganda obuli mu mawanga ag'ebunaayira tebufuna bulungi mawulire amatongole agafa e Mmengo. Kino nno kyaleetera abantu abataagaliza Buganda kalungi okweyambisa

Omuwaatwa ogwo ne bagunjawo emikutu gya kirokitwala omunaku ne basaasanya enjiri egenderera okwawulayawula mu bantu ba Buganda, n'okwonoona emirimu emirungi egikoleddwa. Kirokitwala omunaku ono abadde yeefunyiridde kusiiga nziro n'okulumba abantu ssekinoomu mu kifo ky'okulaakulanya.

Ssaabasajja bulijjo ayagala abantu be abali mu Buganda n'ebweru bonna, **okubeera omuntu omu kitole**, tusobole okwanŋanga okusoomozebwa okw'olekedde Buganda. Ku nsonga y'Ebyaffe, Ssaabasajja ayagala tubeere bavumu era bamalirivu kyokka nga kino tukikola mu bukakkamu naye na tulemedde ku nsona zaffe.

Mu kiseera kino gavumenti ya Ssaabasajja ng'eyita mu kitongole kyayo eky'amawulire, etaddewo olutimbe lw'empuliziganya olw'Obwakabaka olutongole ku **www.bugandakingdom.or.ug** era mu kukyala kwa babaka Ssaabasajja beyatuma mu Bungereza ne America gye buvuddeko katono abantu ba Ssaabasajja abali e Califonia baatuwa laptops bbiri ku nsonga eno ne tuzifuna era tuddamu okuzeebaza nnyo.

5.2 Buganda Development Agency (BDA)

Mu mwaka gwa 2000, Ssaabasajja Kabaka yatongoza enteekateeka nnamutaayiika ey'emyaka 10 (Buganda Kingdom 10-year Development Strategy) BKDS, n'ekigendererwa eky'okukulaakulanya Obuganda mu mitendera gyonna.

Bwekityo wateekebwawo ekitongole kya BDA okukwanaganya emirimu gy'okuteeka mu nkola enteekateeka ya BKDS eno.

5.3 Ebibiina by'obwegassi

Mukama wange Ssaabasajja,

5.3.1 Mu kaweefube w'okukulaakulanya Obuganda ,

Gavumenti ya Ssaabsajja gweriko, wagenda kutandikibwawo ebibiina by'obwegassi mu Buganda mu September w'omwaka guno, n'ekigendererwa era eky'okusitula omutindo gw'obulamu bw'abantu ba

Buganda bonna. Obwegassi buno bwesigamiziddwa ku mpagi zino wammanga etaano:

(a) Obuyiiya,
(b) Obujjumbize n'obumaliirivu mu kukola emirimu,
(c) Obuntubulamu,
(d) Obwesigwa,
(e) N'obuvunaanyizibwa.

5.3.2 Ebibiina by'obwegassi bino bisimbye essira ku bino:

(a) Okutwala eby'obulimi ng'ekyobusuubuzi kiyambe amaka mu Buganda okuyingiza ensimbi n'okubeera n'emmere emala,
(b) Okuteekawo n'okutumbula amakolero g'omubyalo, okuyamba:
    (i) Okusunsula
    (ii) Okukamula
    (iii) Okusengejja ebyo byonna ebirimibwa,
(c) N'okutuukirira obutale obw'ettunzi.

6.0 ETTAKA

6.1 Ettaka kye kimu ku by'obugagga bwa Buganda ekikulu ennyo. Era awatali ttaka Buganda tesobola kubeerawo kubanga, lyerirambika ensalo z'Obwakabaka; Ssaabasajja Kabaka bwalamula, era bwe butaka bwaffe era eky'obusika bwaffe eky'obwebange.

N'olwensonga eyo, ensonga y'ettaka ekwata ku buli Muganda yenna.

6.2 Olw'obukulu bw'ensonga y'ettaka Gavumenti ya Ssaabasajja kye yava yeeyama okulwanirira n'okukuuma ettaka lya Buganda nga tuyita mu kutunuulira enkaliriza ensalo za Buganda, okukuuma ettaka eryo eryakomezebwawo, okulwana obwezizingirire okununula eryo erikyali mu buwambe mu gavumenti eyawakati omuli Mailo 9000, Mailo 160 ez'Embuga z'amasaza n'Amagombolola, ne Mailo 1500 ez'ebibira n'entobazzi.

Era ku nsonga y'ettaka Olukiiko lwa Buganda lwateekawo akakiiko k'abantu 10 nga k'akukulemberwa Attorney General era ng'Akakiiko kano kaaweebwa obuvunanyizibwa okwekenenya ensonga zonna ezikwata ku ttaka mu Buganda nga kalina okuddiza Olukiiko Alipoota ku bye kanaaba kazudde wamu ne binaasembebwa ku ngeri ettaka lya Buganda gye linaddukanyizibwamu n'okukuumibwa (Buganda Land Policy).

6.3 Mu 1998 gavumenti ya Uganda yayisa etteeka ly'ettaka erya eryatyoboola obwanannyini ku ttaka eritanyweza nkolagana nnungi wakati w'omusenze , ow'ekibanja ne nnannyini ttaka. Obwakabaka bwa Buganda bwalaga dda obutali bumativu ku tteeka lino bwe waaliwo okukungubaga mu August 1998. Eteeka eryo lyogera ku busulu bwa Shs 1,000/= ow'ekibanja zaba alina okuwa nannyini ttaka buli mwaka awatali kufa ku bugazi bwa kibanja na wa we kisangibwa oba mu kibuga oba mu kyalo na kiki kyakolerako oba kyabusuubuzi oba nedda. Kino kiviriddeko ba nannyi ttaka okwetundako ettaka ate nebebaguza okusenda abantu ku bibanja byabwe.

6.4 Gavumenti eyawakati era erina enteekateeka y'okujjawo enkola ya mailo ku ttaka. Kino olukiiko lwa Buganda lwakiwakanya era ne lukigaana.

6.5 Gavumenti ya Ssaabasajja eyaniriza ebirowoozo byonna ku ngeri gye tuyinza okukuuma n'okukulaakulanyamu ettaka lya Buganda.

7.0 EBY'OBUFUZI N'AMATEEKA

7.1 Kabaka

7.1.1 Mu kiseera kino Obukulembeze obw'ensikirano (Kabaka) bwe buli mu Ssemateeka wa Uganda owa 1995 mu Ssuula eye 16 , ennyingo 246.

7.1.2 Kabaka eyazzibwawo yakkirizibwa okukola ku nsonga y'obuwangwa n'enkulakulana.

7.1.3 Kyokka Kabaka teyakkirizibwa kwenyigira mu byabufuzi ebigwa olubege *(Partisan Politics).*

7.2 Obukulembeze Obw'ennono mu Bwakabaka bwa Buganda.

7.2.2 Okusobozesa emirimu gya Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka okutuukira ddala mu bantube, Ssaabasajja yazzaawo enfuga ey'ennono era n'alonda abaami b'amasaza n'amagombolola era nga n'abemiruka n'abatongole nabo gyebali. Kuno kw'ogatta n'ababaka ba Ssaabasajja eri abantube ababeera mu mawanga ag'ebweru okufaananako n'abamasaza ekkumi n'omunaana.

7.2.3 Ab'amasaza 18 bo bagwa mu kitongole kya Ssaabasajja ekya Gavumenti ez'ebitundu. Wabula ate bo ababaka ba Ssaabasajja mu bantube abali mu mawanga ag'ebweru bagwa butereevu mu Ofiisi ya Katikkiro.

Mu kiseera kino Katikkiro ali mu kwebuuza ku babaka ba Ssaabasajja ku nzirukanya y'emirimu gyabwe awamu ne nunŋŋamya y'obukulembeze bwabwe mu mawanga ganno ag'ebweru. Mu ngeri y'emu n'okutunulira ennoda yaabwe wamu n'okusoomoozebwa kwe basanze mu buwereza bwabwe na ngeri ki gye tuyinza okuvunuka okusoomoozebwa okwo.

Enkola eno ey'abaami ab'ennono mu kiseera kino etojjedde bulungi era abaami bagenda mu

maaso n'okukola emirimu gy'okwekulaakulanya ne bulungibwansi.

7.3 Federo

Obuganda bwonna bukyanyweredde ku nfuga ya Federo. Ku nsonga eno, abantu ba Buganda, ebitundu 95% ku buli 100 buli mulundi basabye enfuga ya Federo. Wabula ekyennyamiza nti buli lwe tusabibwa ebirowoozo ku nfuga gye twandyagadde, ebirowoozo byaffe tebiteekebwamu kitiibwa ku buli mulundi era birekebwa bbali. Emirundi mingi twesanze ng'ate tuweebwa ebyo bye tutasabye. N'oluvannyuma lw'enteseganya ezaaliwo mu 2005, Buganda twaweebwa Regional Government. Emiramwa egyali mu Regional Tier gyali gibulamu nnyo okutuukana n'egyo Buganda gye yettaanira, era mu Febuary wa 2006, Olukiiko lwa Buganda Olukulu lwagigaana olw'ensonga zino:

7.3.2 Ensalo za Buganda zeetaaga okulambikibwa obulungi mu Ssemateeka wa Uganda.

7.3.3 Ettaka lya Buganda lyonna eryalukale (Public Land), okulabirirwa Buganda Land Board so ssi District Land Boards.

7.3.4 Buganda okubeera awamu kitole mu Ssemateeka wa Uganda, nga Districts zona eziri mu Buganda, nazo ziri wansi wa Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka.

7.3.5 Ssaabasajja Kabaka okubeera n'enkizo mu nnonda ya Katikkiro wa Buganda.

7.3.6 Ensimbi eziweebwayo okukola emirimu gya Buganda (Regional Governments) okubeera nti zisibiddwa bulungi *(Entrenched)* mu Ssemateeka wa Uganda.

Gavumenti ya Ssaabasajja ekyali malirivu ku nsonga eno okulaba nti enfuga ya Federo eddawo mu Uganda, kubanga ye yokka ejja okuleeta enkulaakulana eyanama ddala. Gavumenti ya Ssaabasajja neetegefu okuddamu okuteseganya ne gavumenti eyawakati ku nsonga ezo.

7.4 Omukago gwa East African Federation

Olukiiko lwa Buganda Olukulu lwamala dda okuyisa ekiteeso ku nsonga eno era ne lutegeeza nti okutuusa ng'ensonga za Buganda omuli:

(a) Ekifo kya Kabaka
(b) Ensonga za Buganda omuli n'enfuga eya Federo.
(c) N'ebintu bya Buganda byonna ebyawambibwa ku maanyi g'emmundu nga bikomezzeddawo

Bwe kitaba bwe kityo, tetujja kuwagira kya kwegatta kwa mawanga ga East Africa. Mu ngeri yemu era ffe tulowooza nti tewali nsonga epapiriza nsonga yabukulembeze bwa East Africa ng'emitendera emirala egigasa ennyo abantu teginayitibwamu, ng'okukolagana mu by'obusubuuzi omuli:

1. Okubeera n'akatale akawaamu (East African Common Market)
2. n'Okubeera n'ensimbi ez'awaamu (East African Common Monetery Union).

Olukiko lwa Buganda lugamba nti, ebyo waggulu bye birina okusooka okussibwako essira, nga Uganda tenalowooza kya kwegata kwa mawanga ga East Africa mu byobufuzi.

8.0 EBYOBUWANGWA

8.1 Obwakababakaba bwa Buganda buzimbibwa ku musingi gw'empagi zino:

8.1.1 Empiisa, n'ebyobuwangwa
8.1.2 Olulimi Oluganda
8.1.3 N'Ebika by'Abaganda

Tukyalina ekizibu ky'okusomesa Oluliimi Oluganda eri abaana Abaganda abazaaliddwa ebweru wa Buganda ne Uganda. Olulimi kikulu nnyo kubanga omuntu tasobola kumannya by'abuwangwa bwe, nga tamanyi lulimi. Ekintu kino kirina okukwatibwako mangu ddala kubanga buli olukya omwana yeyongera okukula. Tusaana tusale amagezi gonna okulaba ng'ensonga eno ekwatibwako kubanga ebyobuwangwa byona byesigamiziddwa ku lulimi, ate awatali lulimi, tewali ggwanga.

9 OKUSOOMOOZEBWA OBWAKABAKA KWE BULINA:

Obwakabaka bulina okusoomoozebwa okw'enjawulo kwe tulina okwanganga okusobola okulaba nti buli nsonga ekolwako. Muno mulimu:

9.1 Ennyingiza y'ensimbi mu Ggwanika lya Buganda ekyali nfunda nnyo ddala, bw'ogerageranya n'obwetaavu obw'okukuuma n'okunyweeza Nnamulondo awamu n'okutambuza emirmu gya Gavumenti ya Ssaabasajja.

9.2 Obwakabaka bwa Buganda obutabeera na nkizo mu by'obufuzi n'amateeka kyaleetera bannabyabufuzi n'abakulembeze abali mu buyinza okugezaako ennyo okunafuya n'okufeebya Buganda nga baagala okwawula obukulembeze bw'Obwakabaka n'abantu ba Buganda awamu n'okugezaako okuteekawo abafuzi ab'ejjingirizi nga Ssabanyala, Ssabaluri, nga kino kikolebwa olw'ekigendererwa ky'okutematema mu Buganda awamu n'okugabanya ebirowoozo byabantu ba Ssaabasajja.

9.3 Okukozesa obuyinza bw'ebyobufuzi n'ebyenfuna okunyigiriza abantu ba Buganda ne kireetewo endowooza nti, omuntu okuganja mu Gavumenti eyawakati Omuganda olina kukonjera Buganda n'akugyogerera ebyakalebule. Kino kitegeeza nti baagala okulaga ekifaananyi nti Omuganda tasobola kubeera mu na Uganda mutuufu nga toyogeredde Buganda mafuukule, ekintu ekitali kitufu n'akamu.

9.4 Okutumbula, okukuuma n'okukulaakulanya ebyobuwangwa okulaba nti bituukana n'omulembe.

9.5 Okuteekawo empuliziganya eyanamaddala eri abantu ba Buganda bonna yonna gye bali.

9.6 Okusomesa n'okulungamya eby'obuwangwa mu baana abato yonna gye bali.

9.7 Okunyweza n'okufuula Obwakabaka okubeera obw'omugaso mu buli bulamu bwa muntu wa Buganda, n'okukunga Abaganda bonna okubeera obumu n'okuwagira emirimu n'enteekateeka za gavumenti ya Kabaka.

9.8 Okukozesa n'okutumbula ebintu Buganda bye yakafuna kiyambe okukulaakulanya Obwakababaka n'abantu mu bulamu bwabwe obwabulijjo.

9.9 Okununula ebintu bya Buganda byonna ebikyalemedde mu mikono gya gavumenti eyawakati omuli:

(a) Enfuga ya Federo Obuganda gye bwettanira.
(b) Ettaka lya Buganda (Mayiro 9000, no 1500 ez'ebibira n'entobazi)
(c) Ne mayiro 160 ez'Embuga z'amasaza n'agombolola.

9.10 Okusala amagezi okuggya Buganda weri kati, tugituuse ku mutendera ogw'okwongera okusitula ekitiibwa kyayo mu by'enfuna, eby'obufuzi n'ebyobuwangwa n'embeera z'abantu mu bulamu bwabwe obwabulijjo.

9.11 Okweyambisa ebifo by'obuwangwa bwa Buganda okutumbula eby'obulambuzi mu Buganda.

9.12 Okukuuma obutonde bwensi.

9.13 N'okulaba ng'omwana wa Buganda afuna obuyigirize obwetaagisa, asobole okuvuganya mu nsi eno.

10 OKUTWALA BUGANDA MU MAASO (WAY FORWARD)

Olukuŋŋana lusaana lutuunulire nnyo era luveeyo ne biteeso ku nsonga ezo waggulo nazino wammanga enkulu ennyo, okulaba nti tuzimba Buganda nnyaffe nga tugigya ku ddala ba jjajja ffe kwe baagireka ate naffe tugitwale ku ddala eddala naddala ku mulembe guno ogwa tekinologiya bajjajjaffe gwe batalina:

10.1 Okulaba nga buli kitongole kya gavumenti ya Kabaka kituuka ku muntu yena gyali ne yeenyigira mu bikolebwa gavumenti era naganyulwa mu buwagizi bwe.

10.2 Okulaba nga tuzimba Buganda eyeemalirira mu byenfuna.

10.3 Okweyambisa buli nkizo yonna (opportunities) ez'Abaganda abali mu mawanga ag'ebweru n'abali eka okulaba nti tweyambisa enkizo ezo okuyamba Buganda mu bino:

(i) Ebyobufuzi
(ii) Ebyenfuna n'okwekulaakulanya
(iii) Ebyobuwangwa n'ennono,

(iv) N'okusituula omutindo gw'embeera z'Abantu eza bulijjo (Social Development)

11 OKUFUNDIKKIRA

Baganda banange,

11.1 Tusaanidde ffena okutunulira ensonga **y'obumu** bwa Buganda nga nkulu nnyo, n'okufaayo okulaba nga tulekera awo okwogera ku byetulowooza nti tebitambula bulungi naye tuveeyo ffena tuwe ebirowoozo ebizimba n'okukulaakulanya Obuganda.

11.2 Buli Muganda yena waali okukozesa enkizo gyalina okulaba nti Buganda ekulaakulanyizibwa,

11.3 Okulaba nti buli Muganda yonna gyali tatunuulira gavumenti ya Buganda ng'omulabe, wabula okugiwa amagezi mu bintu ye by'aba alowooza nti tebigenda bulungi. Tuleme kutunuulira muntu, naye tutunuulire Buganda eno kati eriwo ne Buganda eyenkya. Ku nsonga za Buganda zonna, enjawukana z'ebyobufuzi n'engeri endala zonna tuzerabire. Tukolere wamu okuzimba nnyaffe Buganda eyaliwo jjo, eriwo kati, ate tuginyweze esobole okubeerawo enkya. Kino tetulina ku kkirinda. Tulina kukikola **Kati,** ate kati. Era mumutima oggwo nebazza nnyo Ssaabasajja Kabaka olw'obukulembeze bwe mu nsonga zinno zona. Nebaza n'abateesiteesi ba Ttabamiruka olw'okwewaayo okukolerera Buganda, nammwe abaze okwetaba mu lukuŋana luno.

Twebaza nnyo omutima gwemulaze eri nnyamwe Buganda, eri Nnamulondo n'okulumirwa Buganda ey'enkya. Tuli beetegefu okukolera awamu nammwe kubanga Buganda, **ye nnyaffe**.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale.

AMB. EMMANUEL L. SSENDAULA
KATIKKIRO.